# Poliisi ekutte dayirekita ku nfa y'omuyizi

Bya PONSIANO NSIMBI

POLIISI y'e Wakiso ekutte dayirekita w'essomero ne meetulooni ku by'omuyizi eyafiiridde mu kisulo.

Kiddiridde John Terry Kisekka,14, (P5) abadde asomera ku Kololo Junior School, Kayunga Cell Gombe Ward mu disitulikiti y'e Wakiso okusangibwa ng'afiiridde mu kisulo mu ngeri etategeerekeka.

Omwogezi wa Poliisi mu Kampala n'emiriraano, Racheal Kawala yategeezezza nti, okunoonyereza kwabwe kulaga nti, abayizi abaabadde bava mu puleepu be baazudde omulambo gwe ku ssaawa 4:00 ez'ekiro ku Lwokubiri. Baatemezza ku meetulooni eyakubidde dayirekita eyatemezza ku poliisi. Poliisi yeekebezze omulambo nga tennagutwala mu ggwanika e Mulago. Yatutte dayirekita ne meetulooni bagiyambeko mu kunoonyereza.

## ABAYIZI ABAZE BAFIIRA KU MASOMERO

- Seeta High School (Mukono) : Mu August wa 2025, Kevin Nsamba 16, yafiira mu kidiba ekiwugirwamu. Nga February 2025, omulala ow'emyaka 16 yasangibwa ng'afiiridde mu kisulo.
- Jozan Nursery and Primary Soroti: Omuyizi wa P.1 yafiira ku ssomero, omulambo gwe gwannyululwa mu kaabuyonjo omwasangibwa n'obuwanga obulala buna.
- Victorious School Kampala : Omuyizi yafiira mu kidiba ekiwugirwamu.
- Solberg College Kabale : Mu April wa 2025, Nikita Kiconco (S6) yasangibwa ng'afiiridde mu kisulo.
- Salama School for the Blind (2022) : Abayizi 11 bafiira mu muliro ogwakwata ekisulo.
- New Crest Junior School, Kawempe (2022) : Bana baafiira mu muliro ogwakwata ekisulo.



Ekitundu ku ssomero lya Kololo Junior School. Omwana ku ssomero lino yafiiridde mu kisulo.